Essomo 9

Ekisuubizo Eky'ekitalo

Olubereberye 3

Bannaffe abatuwuliriza, tubalamusa mu linnya lya Katonda, Mukama ow'emirembe era ajjudde okwagala. Twebaza Katonda atusobosezza okukomawo okubatuusako pulogulamu yammwe emanyiddwa nga *Ekkubo Ery'Obutuukirivu*. Pulogulamu eno eyatekatekebwa Trans World Radio, eva mu kuvvunula pulogulamu eyitibwa **Yoonu Njub** eyategekebwa mu lulimi oluyitibwa olu Wolof ku lw'Abasiraamu b'omu Senegal mu Bugwanjuba bwa Africa. Lino ly'essomo lyaffe ery'omwenda lye tuwadde omutwe ogugamba nti ***Ekisuubizo Eky'ekitalo***. Nze munnamwe Omusumba Noah Nsubuga.

Mu pulogulamu yaffe eyayita, twalaba Adamu ne Kaawa bwe bayonoona olw'okulya ku muti Katonda gwe yabagaana. Bwatyo omuntu eyatondebwa mu kifanaanyi kya Katonda yasalawo okugoberera Setaani omulabe wa Katonda. Abasanyukanga nga Katonda aze mu lusuku okunyumyamu nabo, batandika okumwekweka. Kyokka Katonda yakunuukiriza Adamu ne Kaawa n'okubamanyisa nga ekibi kyabwe byekigenda okuleeta mu nsi: okubonaboona, amaggwa, obulwadde n'okufa.

Nolwekyo okuva olwo n'okutuusa leero, ekisikirize ky'okufa kigoberera buli muntu. Abaana abava mu Adamu bonna bazalibwa mu kibi era bwetutyo ffenna tuli bonoonyi nga jjajjaffe Adamu. Eyo y'ensonga lwaki Ebyawandiikibwa bitugamba mu Abaruumi 5:12 nti, "*...Nga ku bw'omuntu omu ekibi bwe kyayingira mu nsi, okufa ne kuyingira olw'ekibi, bwe kityo okufa ne kubuna ku bantu bonna, kubanga bonna baayonoona.*" Ate mu Abaruumi 3:23 tusoma nti, "*…bonna baayonoona, ne batatuuka ku kitiibwa kya Katonda.* Awo Isaaya 59:2 n'agattako nti, "*...obutali butuukirivu bwammwe bwe bwawudde mmwe ne Katonda wammwe, n'ebibi byammwe bye bimukwesezzaamaaso, n'atayagala kuwulira.*"

Obubaka buno tebusanyusa kuwulira, naye ekyo bwe kityo bwe kiri. Aba Wolof bageresa nti Amazima galinga kamulari.

Kale tulaba engeri ekibi ekimu eky'Adamu bwe kyayawula obutonde bw'omuntuu yenna okuva ku Katonda. Olw'ekibi ekyo omugabo gw'omuntu ne gubeera mu Setaani eya muwamba. Olwo ng'essuubi tewakyali okujjako okulinda okugenda mu muliro ogutazikira.

Singa Ebyawandiikibwa awo webyakoma twandibadde mu biwoobe ng'abatalina buddukiro. Singa Katonda teyaggulawo kkubo lya bulokozi okulokola abaana b'Adamu, twandibadde mu katyabaga ka mirembe na mirembe. Naye atenderezebwe Mukama Katonda waffe kuba Bannabbi tebamalira ku lugero lwa kibi ky'Adamu. **Katonda ow'okusaasira okunene agguliddewo abaana b'Adamu omulyango gw'obulokozi**!

Era Ekigambo kya Katonda kigamba mu Abaruumi 5:20 nti, "*...ekibi bwe kyasukkirira ekisa ne kisinga okusukkirira.*" Ate mu Lukka 2:10 nti, "*Temutya kubanga, laba, mbaleetera ebigambo ebirungi ebyessanyu eringi eririba eri abantu bonna.*" Ne mu Tito 2:11 tusoma nti, "*Kubanga ekisa kya Katonda kirabise, nga kireetera abantu bonna obulokozi.*"

Nga bwe tumaze okukiyiga nti Katonda mutukuvu era ateekwa okusalira abonoonyi omusango. Kyokka olwaleero tujja kulaba mu Byawandiikibwa, engeri Katonda Omutukuvu gye yakolamu entegeka okununula abonoonyi okubawonya ekibonerezo ky'ekibi. Tujja kuvumbula nti Katonda si mutukuvu butukuvu naye ate ye Katonda Ow'ekisa. Kale bw'atyo **Katonda omulamuzi waffe y'omu ayagala okufuuka Omulokozi waffe.**

Olwaleero tujja kulaba nti ku lunaku olwo lwe nnyini Adamu ne Kaawa lwe bayonoona, Katonda yatandika okumanyisa entegeka ye ey'okununula abonoonyi. Katweyongereyo tusome Olubereberye 3:15 awagamba nti, **"*Nange obulabe n'abuteekanga wakati wo n'omukazi, era ne wakati w'ezzadde ly'omukazi: (ezzadde ly'omukazi) lirikubetenta omutwe, naawe oliribetenta ekisinziiro.*"**

Olunyiriri luno oluzibu lulimu amazima amakulu ag'ekitalo Bannabbi ba Katonda gebannyonnyola oluvannyuma. Naye mu bufunze kiri bwe kiti: **Katonda yali atandika okumanyisa entegeka ey'okuleeta**

Omulokozi mu nsi (oba omununuzi) ow'okununula abaana b'Adamu okubajja mu bufuge bwa Setaani. **Luno lwe lunyiriri olusooka okwogera ku kujja kw'Omununuzi Omutukuvu.** Mu lunyiriri lunomulimu amazima asatu agakwata ku Mununuzi Katonda gwe yasuubiza okutuma.

1.) Ekisooka nti: Katonda yali alanga engeri Omununuzi ono **bw'alizalibwa omukazi yekka** kwegamba embeerera. Ffenna tulina abazadde omu nga musajja n'omulala nga mukazi. Kyokka Omununuzi oyo yali wakuzalibwa mukazi yekka mu maanyi ga Katonda.Omulokozi w'ensi yali tayinza kuva mu Adamu kubanga abava mu Adamu bonna bonoonyi.Omulokozi yalina okuba atalina kibi. Yalina kuva mu ggulu eri Katonda.

2.) Eky'okubiri Katonda yagamba Setaani nti, "Naawe olimuibetenta ekisinziiro." Kwegamba Katonda yalanga **engeri Setaani gy'anabonyabonyaamu Omulokozi** oyo ava ewa Katonda. Mu misomo egijja tujja kulaba nti bannabi balanga engeri Setaani gy'agenda okusiikula abantu babonyaabonye era batte Omununuzi. Kale mu ntegeka ya Katonda mwali mulina okubaamu Omununuzi abonyabonyezebwa. Okusobola okutuzza eri Katonda Omulokozi oyo yali alina okufa nga ssaddaaka y'ebibi, Omutuukirivu okufiririra fffe abatali batuukirivu.

3.)Eky'okusatu ekikwata ku Mununuzi kwe kuba nti Katonda yagamba Setaani eyali mu musota nti,Omulokozi oyo alimubetenta omutwe.Ago gaali mawulire mabi eri Setaani, kyokka gaali mawulire malungi eri oyo ayagala okulokolebwa okuva mu maanyi ga Setaani, ekibi ne geyena. Kale bwatyo Katonda bwe yatandika okulanga nti oluvannyuma Omununuzi aliwangula Setaani n'okuwonya nawonya abaana b'Adamu obuddu bwe kibi,

4.) Ekisembayo, Katonda yatandika okulanga nti wajja kubaawo **abantu ba mijiji ebiri** mu nsi. Abantu ba Setaani n'abantu ba Katonda.Abantu ba Setaani beebo abagaana Ekigambo kye Katonda, Abantu ba Katonda beebo abakkiririza mu Kigambo kya Katonda n'okwesiga Omununuzi eyasubizibwa. (Yokaana 1:9-13)

Kale ku lunaku Adamu ne Kaawa lwe bayonoona Katonda yatandika okulanga entegeka ye ey'okununula abonoonyi. Mu pulogulamu mumaaso eyo tujja genda mpolampola nga tuvumbula engeri bannabbi ba Katonda gye balagula okujja kw'Omulokozi alijja abantu mu bufuge bwa Setaani. Oba nga byetwogeddeko tebinaba kwamuka bulungi mu meeme yo, tofaayo kubanga eyo mu maaso bijja kwamuka. Mu Engero 2:4-5 tusoma nti, "[Amazima] *Bwonooganoonyanga nga ffeeza, n'ogakenneenyanga mg'ebyobugagga ebyakwekebwa; kale lw'olitegeera okutya Mukama, n'ovumbula okumanya Katonda.*"

Kati katumaleyo okusoma essuula ey'okusatu mu kitabo ekyo ekisooka mu Torah (olub. 3:21-24) awagamba nti,

"*Mukama Katonda n'akolera ne mukazi we ebyambalo by'amaliba, n'abambaza. Mukama Katonda n'ayogera nti Laba, omuntu afuuse ng'omu ku ffe, okumanyanga obulungi n'obubi; kaakano, aleme okugolola omukono gwe okunoga ku muti ogw'obulamu, okulya okuwangaalanga emirembe n'emirembe; Mukama Katonda kyeyava amuggya mu lusuku Adeni, alimenga ettaka mwe yaggibwa. Bw'atyo n'agoba omuntu; n'azzaamu ebuvanjuba mu lusuku Adeni bakerubi, era n'ekitala ekimyansa ekikyukakyuka okukuumanga ekkubo ery'omuti ogw'obulamu.*"

Awo essuula ey'okusatu weggweera. Kati nga tetunafundikira, njagala tulabe ebikulu ebiri mu nnyiriri zino.

Ebyawandiikibwa bigamba nti Katonda yakolera Adamu ne Kaawa ebyambalo. Bo baali berukidde amakola g'emit nga gebesibye mu biwato okukweka ensonyi zaabwe. Katwebuuze: Lwaki Katonda teyabaleka bambale lugoye lwe bekoledde? Kubanga Katonda mutuukirivu era tayinza kukkiriza bijingirire bya muntu. Ku kino Ebyawandiikibwa bitugamba mu Isaaya 64:6 nti, "*Ffenna tufuuse ng'atali mulongoofu, n'ebikolwa byaffe byonna eby'obutuukirivu biring'anga ekyambalo ekikongedde.*" Tewali kintu omuntu ky'ayinza kwekolera ne kibikka bibi bye, mu maaso ga Katonda.

Kyokka Katonda alina kyeyakolerawo okuyamba omuntu. Katonda yatta ensolo, n'ajjako amaliba n'ayambaa Adamu ne mukazi we. **Bw'atyo Katonda n'akola saddaaka y'ensolo eyasooka**. Kiteekwa okuba nti kyesisiwaza Adamu ne Kaawa okulaba omusaayi nga gutiriika okuva mu nsolo. Okuyita mu kuyiwa omusaayi ogwo, Katonda yayagala akakase Adamu ne Kaawa ekiri mu Abaruumi 6:23 nti "*Empeera y'ekibi kwe kufa*" ne mu Abaebbulaniya 9:22 nti, "…*era awataba kuyiwa musaayi tewabaawo kusonyiyibwa.*" Ekyo kijja kunnyonyoka okusingawo mu maaso eyo gyetugenda. Naye kikwate olwaleero nti Katonda asonyiwa bibi bimaze kusasulirwa. "***awataba kuyiwa musaayi tewabaawo kusonyiyibwa***," Eno y'engeri gy'akuumamu obutukuvu bwe.

Saddaaka y'ensolo kabonero akalaga nti Omununuzi omutukuvu alijja mu nsi okuyiwa omusaayi olw'ebibi by'abantu. Ekyo kijja kunnyonnyoka mu misomo gyaffe egy'omu maaso. Kati jjukira bujjukizi nti Katonda yayiwa omusaayi gw'ensolo okubikka ku buswaavu bwa Adamu ne Kaawa.

Oluvannyuma lwa saddaaka Katonda yagoba Adamu ne Kaawa bafulume olusuku era n'atekawo malayika n'effumu okukuuma omuti ogw'obulamu. Kale baali tebakyasobola kweyagalira mu lusuku n'emikisa gyalwo. Nga bweyagoba Setaani mu ggulu nabo n'abagoba okuva mu maaso ge. Katonda ateekwa okubonereza buli kitali kitukuvu.

Kale mikwano gyange nsaba tukuumire ebntu bibiri mu meeme. Ekisooka nti Katonda mutuukirivu era tagumiikiriza kibi. Eyo y'ensonga lwaki yasalira Adamu ne Kaawa omusango. Eky'okubiri **nti Katonda ye Musaasizi**. Adamu ne Kawa bali basaanye babonerezebwe naye olw'okuba Katonda tayagala muntu yenna azikirire, kwe kusuubiza okutuma Omulokozi okununula abantu.okubajja mu nzikiza y'obwakabaka bwa Setaani bade mu butangavu n'ekitiibwa ky'Obwakabaka bwa Katonda.

Tebakuliimba. **Okusaasira kwa Katonda tekugenda kukontana na butuukirivu bwe.** Mu Katonda byombi bikolaganira wamu.

Mwebale kuwuliriza. Mu pulogulamu yaffe eneddako tujja kuyiga ebikulu ebiva mu nneyisa ya Kaini ne Abiri abaana ba Adamu ne Kaawa abasooka. Kati njagala mbalekere olunyiriri lwe twasomye mu Abaruumi 5:20 nti,

"*...ekibi bwe kyasukkirira ekisa ne kisinga okusukkirira.*"

Mubadde muwuliriza *Ekkubo Ery'Obutuukirivu* pulogulamu eyategekebwa Trans World Radio. Kati bw'oba n'ekibuuzo, oba obujulizi, oba okuwabula oba ekintu ky'oyagala tusabire tuma sms ku nnamba zino 0704-136199 oba 0774-895460 oba wandiika ebbaluwa y'empewo (e-mail) ku Email address eno: barua@twr.co.ke Tewerabira okutuwuliriza nate wiiki ejja ku sitenseni y'emu eno.

Nze omusumba Noah Nsubuga. Nsaba Mukama Katonda abawe omukisa.